ENSONGA EZIVIIRAKO ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA OKUGWA EBIBUUZO BY'EBYOBUWANGWA.

NAKISOZI LILIAN.

BAE/ 43435/101/DU

ALIPOOTA Y'OKUNOONYEREZA OLW'OKUTUUKIRIZA EBISAANYIZO BYA DDIGULI Y'OBUSOMESA ESOOKA EYA KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSTY.

OMULUNGAMYA
MR. MATOVU CHARLES

OKULAYIRA

Nze Nakisozi Lilian nkakasa nti omulimu guno nze ngwe koledde era tegukolebwangako wadde okuweebwayo omuntu yenna alina ekigendererwa ky'okufuna Ddiguli oba ebbaluwa yonna mu ssetendekero y'e Kampala International University oba mu matendekero amalala gonna.

Omukono

.....

NAKISOZI LILIAN

Ennaku z'omwezi

25-10-2013

OKUKAKASA KW'OMULUNGAMYA.

Kuno kukakasa nti okunoonyereza kwa Nakisozi Lilian okuli wansi w'omutwe Ensonga eziviirideko abayizi okugwa ebibuuzo by'ebyobuwangwa" nga nze mulungamya waakwo kuwedde bulungi kati alipoota esobola okuweebwayo mu kitongole kya languages and communication ekya Kampala International University.

Omukono

.....

OMWAMI.MATOVU CHARLES
(OMULUNGAMYA)

Ennaku z'omwezi.

25-10-13
.....

OKUWONGA.

Omulimu guno nguwongera bakadde bange abafuubanidde omwami Kayemba charlse, omukyala Kayemba Margaret,jjajjawange mukyala mubiru costance, Baganda ba maama wange; Teddy, Rose, Betty Baganda bange; Raymond, Lydia,Remegeous, Lynette , Gloria, mikwano gyange;Mutebi steven(omwami wange), Ainomugisha Enock,Nankabirwa Aidah, Ochola stella.Kaweefube n'okulafuubana kwamwe kati bino bye bibala.

OKWEBAZA.

Etasiima ebula agiwa, buba buyazaamannya obuteebaza Bantu enkuyanja abannyambye mu kukola omulimu guno.Mungeri ey'enjawulo nneebaza abakadde abanjola n'okuntuusa wano era n'obutandeka ttayo jjajja wange awamu ne baganda ba maamawange ,baganda bange abalafuubanye okutuusa wano wamu n'okundyowa omwoyo.

Nneebaza abasomesa b'olulimi oluganda mu ssetendekero e Kampala International Universty olw'obukugu n'amagezi ge mumpadde nga ndi mu ssetendekero eyo wagulu.Nneebaza omulungamya wange omwami Matovu Charlse alafuubanye ne gugwa bulungi.

Nsembyayo mikwano gyange gyona eginyambye okusobola okukola omulimu guno muno omuli Omw Mutebi Steven, Omw Ainomugisha Enock, Omuky Nankabirwa Aidah, Omuky Ochola Stella n'abalala bangi mwena banange besimenye mwebale kuba n'amutima muyambi era ogwagala okukolera awamu.Mukama katonda abansasulire nga bwe kigwanidde.

OKUNOONYEREZA MUBUFUNZE

Okunoonyereza kuno kwagenderera kuzuula ensonga eziviirako abayizi b'olulimi oluganda okugwa ebibuuzo by'ebyobuwangwa.

EBIRIMU

Okulayira.....i

Okukakasa kw'omulungamya.....ii

Okuwonga.....iii

Okwebaza.....iv

Okunoonyereza mu bufuunze.....v

ESSUULA ESOOKA

Obuvo.....1

Ennyanjula.....1
Okwanjula ekizibu.....2

Omugaso gw'okunoonyereza.....2

Ebigendererwa by'okunoonyereza.....2
Obukulu bw'okunoonyereza.....3

Obugazi bw'okunoonyereza.....3

ESSUULA EYOOKUBIRI

Okwekeneenya ebiwandiiko.....4

Ennyanjula.....4

Obukudyo/Enkola abasomesa bwe beeyambisa okusomesa eby'obuwangwa.....4
Ebizibu ebireetera abayizi b'olulimimoluganda okugwa
ebibuuzoby'ebyobuwangwa.....6

Empenda eziyinza okutemwa okumalawo ebintu ebilemesa abayizi okuyita obulungi
ebyobuwangwa.....10

Ebibuuzo by'okunoonyereza.....12

ESSUULA EYOOKUSATU.

Oluwenda lw'okunoonyereza.....13

Ennyanjula.....13

Entegeka y'okunoonyereza.....13

Ekifo n'ebibinja by'abantu.....13

Ebyeyambisibwa mu kunoonyereza.....14

Obutukirivu n'obwesigike bw'ebintu ebyeyambisibwa mu ku noonyereza.....14

Ebizibu omunoonyereza bye yasanga.....14

Okwekenneeenya ebyazulibwa.....15

ESSUULA EYOOKUNA

Okwanjula, okwekeneenya n'okutaputa ebyazuulibwa.....16
Ennyanjula.....16
Ebyava mu basomesa b'olulimi oluganda.....16
Ebyava mu bayizi b'olulimi oluganda.....21

ESSUULA EYOOKUTAANO

Okukubaganya ebirowoozo , okuweera n'okufundikira.....27

Ennyanjula.....27

Obukodyo/Enkola abasomesa bwe beeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa 27

Ebizibu ebireetera abayizi b'olulimi oluganda okugwa ebyobuwangwa.....30
Empenda eziyinza okutemwa okumalawo ebintu ebiremesa abayizi okuyita
Obulungi ebyobuwangwa.....33

Okuweera.....36

Okufundikira.....37

Akalowoozo eri abanoonyereza abagya.....37

OBUWAYIRO

Ebitabo ebijuliddwa.....38
Ebibuuzo eri abasomesa b'olulimi oluganda.....40
Ebibuuzo eri abayizi.....42

EBIPANDE

Ekipande 1:Obuyigirize bw'abasomesa.....16

Ekipande 2:Emyaka omusomesa gy'amaze ng'asomesa.....17
Ekibuuzo ekyookubiri.....17

Ekipande 3: Waliwo obukodyo abasomesa bwe beeyambisa okusomesa
Abayizi ebyobuwangwa.....17

Ekipande 4: Ebireetera abayizi okugwa eyobuwangwa.....18

Ekipande 5: Empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita obulungi
Ebyobuwangwa.....20

Ekipande 6: Emyaka gy'abayizi.....21

Ekipande 7:Abayizi abasomesebwa ebyobuwangwa.....22

Ekipande 8: Waliwo enkola abasomesa ze bakozesa okusomesa abayizi
Ebyobuwangwa.....22
Ekipande 9: Waliwo ebintu ebiviirako abayizi okugwa ebyobuwangwa.....23

Ekipande10: Empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi abasoma
Oluganda okuyita obulungi ebyobuwangwa.....24

ESSUULA ESOOKA

OBUVO
Ennyanjula

Ebyafaayo by'ebyobuwangwa mu luganda bikadde nnyo okuviira ddala eyo mu kiseera omuntu lwe ya baawo. Kino kiri bwe kityo kubanga n'okubeerawo kw'omuntu nakyo kyabuwangwa (okuzaala).

Ebyafaayo by'oluganda byogerwako nnyo mu byobuwangwa muno bajjajjaffe mwe baayitanga okusomesa abaana kubulamu bw'ensi era nga basinga kikolereranga ku Kyoto ky'omuganda ekyogerwako mu bisakaate by'abakungu n'abaami ko ne mu lubiri lwa kabakaebyobuwangwa nebiba byamugaso nnyo.

Abakungu n'abaami batera nga okusomesa abaana ebyobuwangwa mu biseera byabwe ebyeddembe era nga bakikola okufuula abaana ba buganda abomugaso mu ggwanga.

Ebyobuwangwa ebyedda ebisinga obungi tebyawandiikibwanga kubanga mu biro ebyo amagezi g'okugingirira ebifaananyi ne bikolaennukuta ezamagezi nga bwetukola leero tegaliwo mu biseera ebyo.

Ensi bwe yagenda nga ekulaakulana nga n'empandiika entongole emaze okufunibwa ,abawandiisi b'olulimi oluganda ;Kirwana nabalala baagezaako okuwandiika ebyobuwangwa bakunganya ebyo byokka ebyali bikyaliwo naddala mu myaka ng'ataano egyasooka. Mukyasa kino sikituufu nti ebyobuwangwa babikungaanya ne babimalayo,wakyaliyo bingi ebikyaliyo era ebitakyasoboka kujjukirwa.

Ebyafaayo by'ebyobuwangwa mululimi olungereza byaliwo emyaka nga kikumi emabega era mu kiseera ekyo abantu baali tebanaba kuyiga kusoma n'okuwandiika wabula ebyobuwangwa byagenderera nga okunnyonyola obulamu bwabantu obwa bulijjo.

OKWANJULA EKIZIBU.

Abayizi absoma olulimi oluganda basomesebwa ebyobuwangwa era bibayamba okujja munsi, okumannya ebyafaayo , ebintu ebibeetoolodde n'engeri y'okubikozesamu okusobola okweyimirizaawo mu nsi bokka, okuyiga okuyiiya n'ebilala.Wadde nga kino kilikityo abayizi b'olulimi oluganda bagwa nnyo ebibuuzo by'ebyobuwangwa (LTA,2008) era nga kino kiva kubasomesa obutasomesa bayizi byabuwangwa mu budde , abasomesa obutafa ku nsomesa ya byabuwangwa , abayizi obutafuna bukodyo bwa kuddamu byabuwangwa , abayizi okusimbuliza ensonga , abayizi okugatta ensonga , abayizi okuwa obusonga obutono n'okuwa ebyokulabirako ebitaTGmala, ebbula ly'ebitabo, obukodyo obweyambisibwa, empandiika y'oluganda embi etali ntongole n'ebilala. Noolwekyo,obweralikilivu bungi nnyo ku ludda lw'abayizi ku bizibu ebibalemesa okuddamu ebibuuzo by'ebyobuwangwa n'okuyita ebyobuwangwa obulungi era eno y'ensonga lwaki omunoonyereza yasalawo akole okunoonyereza kuno asobole okuzuula ensonga lwaki abayizi b'olulimi oluganda bagwa ebibuuzo by'ebyobuwangwa.

OMUGASO GW'OKUNOONYEREZA.

Okunoonyereza kuno kwagenderera kuzuula nsonga eziviirako abayizi b'olulimi oluganda okugwa ebibuuzo by'ebyobuwangwa.

EBIGENDERERWA BY'OKUNOONYEREZA.

Omulimu gw'okunoonyereza guno gwagenderera okuzuula bino wamanga;

1.Okuzuula enkola abasomesa zebeeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa.

2. Okuzuula ensonga eziviirako abayizi b'olulimi oluganda okugwa ebyobuwangwa.

3.Okukuba empenda eziyinza okuyitibwamu okuyamba abayizi b'olulimi oluganda okusobola okuyita obulungi ebyobuwangwa.

OBUKULU BW'OKUNOONYEREZA.

Okunoonyereza kuno kwa kuyamba abantu abenjawulo; omuli abasomesa b'olulimi oluganda wamu n'abayizi era bagannyulwa mungeri zino wamanga :

1.Omusomesa agannyulwa okumannyaengeri gyalina okusomesaamu abayizi ebyobuwangwa.

2.Omuyizi agannyulwa okumannya emigaso gy'okusomesebwa ebyobuwangwa mu bulamu bwabwe obwa bulijjo.

3.Kujja kuyamba abakulu mu kitongole ky'eby'enjigiriza okumannya engeri gye bayinza okuyamba abayizi basobole okuyita obulungi ebyobuwangwa.

4.Kujja kuyamba abazadde okumannya engeri gye bayinza okuyamba abayizi abasoma olulimi oluganda.

5.Kujja kuyamba abakulu b,amasomero okumannya ki kye basaanidde okukolera olulimi oluganda.

OBUGAZI BW,OKUNOONYEREZA.

Okunoonyereza kuno kwakolebwa mu wakiso disitulikiti ,mukibuga kye Gayaza mu masomero amalondemu agaali gasomesa olulimi oluganda .Essira lyasibwa ku bayizi bona abasoma olulimi oluganda wamu n'abasomesa b'olulimi oluganda mu bibiina ebyenjawulo.

Bano balondebwa kubanga be baali basoma era n'okusomesa abayizi olulimi oluganda . Ekibuga Gayaza mu wakiso disitulikiti kirondedwa kubanga mwalinu amasomero agaali gawerera ddala agaali gasomesa olulimi oluganda ku maddala gombi ate nga n'omunoonyereza gye yali abeela nga kino kya musobozesa okwanguya n'okwanguyirwa omulimu gw'okunoonyereza.

ESSUULA EYOOKUBIRI

OKWEKENEENYA EBIWANDIIKO

ENNYANJULA

Ebiwandiiko bitono ddala ebyogera kunsonga lwaki abayizi bagwa ebyobuwangwa nga biri mu lulimi oluganda . Noolwekyo okwekeneenya ebiwandiiko byabantu abawerako abali mu Uganda nabatli era ng'ebiwandiko bino byawandiikibwa mululimi lungereza.

OBUKUDYO / ENKOLA ABASOMESA BWE BEEYAMBISA OKUSOMESA ABAYIZI EBYOBUWANGWA.

Petty(1993) agamba nti abasomesa bakozesa akakodyo k'okusaba abayizi okukubaganya ebilowoozo ku mulamwa ogubeera mu ddiiro.Kino Museede (1996) akyogerako nti , abayizi baagala nnyo okuwulira banaabwe bye boogera era basobola okukkirizigannya na bannabwe. Akakasa nti mu nkola eno abayizi bayiga ebintu ebipya bini nnyo okuva ku bannaabwe.

Herbert (2002)agamba nti, enkola ey'okulaga abayizi engeri ekintu gye kikolebwamu nayo yeyambisibwa mu kusomesa abayizi . Ayongerako nti , mu nkola eno,abasomesa baleeta ebintu ebyenjawulo ne babilaga abayizi engeri gye bikolebwamu okugeza omusomesa alaga abayizi engeri gye bawandiikamu gye balina okuddamu ebibuuzo n'engeri gye basoma mu bwiino.Kino kituufu kubanga omusomesa bw'abeera ng'asoma bulungi ebyobuwangwa , kileetera abayizi bangi okunyikira okusoma obutabo bw'ebyobuwangwa basobole okukuguka mu kusoma bwiino ng'omusomesa waabwe.

Sharan(1989)agamba nti mu kusomesa abayizi , abasomesa batera okweyambisa enkola ey'okubuuza abayizi ebibuuzo nga baddamu.Agamba (shran) nti ,enkola eno, abasomesa basinga gikozesa ku ntandikwa y'essomo nga bajjukiza abayizi ebyasomwa wamu ne ku nkomerero nga baagala okuzuula abayizi abategedde ebisomesebwa.

Baker (2000) agamba nti , abasomesa b'ennimi bakozesa nnyo enkola eyookufa ennyo ku muyizi ,Agenda mumaaso n'ayongerako nti , enkola eno ebangula abayizimu nneeyambisa y'olulimi, empandiika, enjogera,ensoma wamu n,empuliriza y'olulimi. Mu bufunze agamba nti, eyamba omuyizi okukuguka mu makoowe g'olulimi.
Petty (1993) agamba nti , abasomesa bakozesa enkola y'okwogera wamu n'okuwandiika ku lubaawo.Akakasa nti enkola eno eyamba abayizi okuyiga empandiika y'ebigambo ebitali bimu.Ensonga eno ntuufu kubanga abasomesa ba litulica bwe babeera boogera bawandiika ensonga ku lubaawo abayizi nabo nebasobola okuzisa mu bitabo byabwe.

Farrant.J.S(1980)Agamba nti abasomesa abamu nga basomesa bamanyi okukozesa enkola eyeesigama ku musomesa . Ayonherako nti , enkola eno eyanguyiza abasomesa omulimu anti bamalayo mangu bye balina okusomesa kyoka ereka abayizi tebategedde bisomesebwa. Ensonga eno ntuufu kubanga abasomesa b'ebyobuwangwa basomera abayizi obutabo bwe byobuwangwa awatali kuwa bayizi mwagaanya kwesomera butabo era kino kiviirako abayizi okugwa ebyobuwangwa.

Masembe(2007) agamba nti, abasomesa bakozesa n'enkola y'okutobeka. Munkola eno abasomesa batobeka ebisomesebwa okugeza Mubyobuwangwa basomesezaamu ggulama , okwogera , okuyiiya n'okusoma bwiino wamu nebilala. Akakasa nti enkola eno eyanguyiza omusomesa omulimu gw'okusomesa ate era eyamba abayizi baangi okutegeera ebisomesebwa.

Baryayebwa(1994) agamba nti , abasomesa beeyambisa enkola ey'okukubaganya ebilowoozo nga basomesa abayizi.Mu nkola eno abasomesa baawulamu abayizi mubibinja era nebabawa omulamwa ogw'okwogerako . Omulamwa guno abayizi b'oludda olumu babeer abaguwagira ate ab'oludda olulala nga tabakiriziganya nagwo.Baryeyebwa (1994)akakasa nti enkola eno eyigiriza abayizi okukolagana obulungi ne bannaabwe wamu n'okutegeera ebisomesebwa.

Museede(1996) agamba nti , balina amaanyi era baagala nnyo okwenyigira mu kukola ebintu ebyenjawulo. Ayongerako nti olw'okuba baagala nnyo okwenyigira mu ssomo, abasomesa bakozesa akakodyo ak'okunnyumya emboozi nga basomesa (story telling method).Ayongerako nti, omusomesa aleeta emboozi egyayo ekintu kyasomesa oba asaba abayizi okunyumiza banne emboozi ekwata ku bye basoma.

EBIZIBU EBIREETERA ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDAOKUGWA EBIBUUZO BY'OBUWANGWA.

Mukitundu kino tugenda okwekenneenya ensonga ezo eziremesa abayizi okuddamu obulungi ebibuuzo by'ebyobuwangwa , Abayivu ab,enjawulo ze bayongera era ne bazinnyonyola.
LTA(2008) Agamba nti ebyobuwangwa biddibwamu bubi nnyo era nga kino kisoboka okuba nga kiva kunsonga nti abayizi mu kiseera we bakolera ebibuuzo abasomesa babeera tebannasomesa btabuwangwa kubimalayo .Ensonga eno ntuufu kubanga abasomesa ba litulica abasinga ebyobuwangwa bye basembyayo nga basomesa ekiviirako abayizi okugwa ebibuuzo.

Abayizi b'olulimi oluganda bagwa eby'obuwangwa olw'ensonga nti bawa obusonga obutono ate nga ebibuuzo ebikwata kubyobuwangwa byetaaga omuyizi okuwa ensonga eziwera okusobola okufuna obubonero obwegasa.

Kirwana(2007) ne Kimala (1995) bagamba nti amasomero enaku zino gaviirako abayizi okusoma obubi olulimi oluganda. Mangi gawa aboogera olulimi oluganda ebibonerezo omuli; okukima amazzi, okusima ebiswa , okwasa enku, n'ebilala. Bino bikyayisa abayizi olulimi oluganda era ne batandiika n'okulowooza nti abalwogera babeera bazi bamisango.

Legere(1996) ne Kimala(1995) bagamba nti abazadde bafuuse kizibu eri ennimi ennansi , bangi tebagaala baana baabwe bazisome era omwana bw'asoma olulimi olunnansi,tebamuwagira mu by'okusoma , tebamugulila butabo bwa litulica . Kino ne kiviirako abayizi okusoma obubi ebyobuuwangwa n'okugwa ebibuuzo.

EMPENDA EZIYINZA OKUTEMWA OKUMALAWO EBINTU EBIREMESA ABAYIZI OKUYITA OBULUNGI EBY'OBUWANGWA.

Mukatundu kano tugenda kwekennenya ebiwandiiko eby'enjawulo ebirina kye byogera ku mpenda eziyinza okuyitibwamu okusobozesa abayizi okuyita obulungi eby'obuwangwa.

LTA(2008) ekakasa nti, abasomesa ba litulica balina okusomesa abayizi obukodyo bw'okuddamu ebibuuzo by'ebyobuwangwa kino kisobozesa abayizi okuddamu ebibuuzo obulungi wamu n'okubiyitira waggulu.

Egamba (LTA) nti, abasomesa balina okutegeka abayizi abagenda okukola ebibuuzo.Baker(2002) agamba nti , omusomesa asobola okutegeka omuyizi ng'akola bino; okumumanyisa enfaanana y'ebibuuzo , enziramu y'ebibuuzo obulungi wamu n'okubiyitira waggulu.

Omusomesa ayinza okweyambisa obukodyo obw'okusomesa obulungi okusobola okuyamba abayizi b'olulimi oluganda okutegeera obulungi ebyobuwangwa era nga ze zino.Kino Masembe (2007) akyogerako nti, abasomesa basaana beyambise enkola ey'okutobeka nga basomesa , kino kisobozesa abayizi be basomesa okugya munsi n'okukwata bye besoma mu ssomero.

Akakodyo kookwevumbulila yemu kunkola ezeyambisibwa mu kusomesa ebyobuwangwa (Baker 2002) agamba nti enkola ey'okwevumblila yemu kunkola ewa abayizi ebyeyambisibwa bokka na bokka ng'omusomesa aliwo kubawabula buwabuzi.

Masembe (2007) agamba nti essomo lya litulica lisobola bulungi nnyo okusomesebwa nga tugobelela enkola y'okusomesa nga mu masomo amalala aga litulica abayizi mwe bayigira empandiika entongole , enkozesa y,obubonero , amakoowe g'empuliziganya,enkola eno nnungi mukusomesa obulungi ebyobuwangwa naye abasomesa tebamanyi kweyambisa kakodyo kano akookutobeka ate nga y'etaaga obudde bungi obw'okusomesa.

Nakibuule (2000) agamba nti , Gavumenti esaanye eveeyo eyambe kumasomero okusobola okufuna ebyetaagibwa ebyeyambisibwa obwavu bungi ate ng'ebyetaagibwa okusomesa eby'obuwangwa omuli obutabo .Naye singaGavumenti eraga okufaayo okwanjula ebizibu ebikozesebwa bisobola okufunibwa ate nga mu bungi .

Amasomero gasanye gateekewo empaka ez'enjawulo mwe gasobola okuvuganyizibwa enkola eno nkulu nnyo kubanga gaba gajja kujjumbira empaka z'ebyobuwangwa . Okusobola okuwangula amalalaagaba getabye mumpaka zino.

Ssekamwa (1987) agamba nti abazadde betaaga bagulile abayizi ebitabo by'oluganda , abayizi basobole okubyeyambisa mu kusoma ebintu ebyenjawulo ebikwata ku lulimi oluganda.

EBIBUUZO BY'OKUNOONYEREZA.

1.Nkola ki abasomesa ze beeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa?

2.Lwaki abayizi b'olulimi oluganda bagwa ebibuuzo ebikwata ku byobuwangwa.

3.Mpenda ki eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okusobola okuyita obulungi ebyobuwangwa?

ESSUULA EYOOKUSATU.

OLUWEENDA LW'OKUNOONYEREZA

ENNYANJULA

Mukitundu kino omunoonyereza yalaga engeri okunoonyereza gye kwakolebwa wamu n'empenda ezaatemwa mu kunoonyereza kwe.

ENTEGEKA Y'OKUNOONYEREZA.

Oluvannyuma lw'okutuukiriza ebbago ly'okunoonyereza yafuna ebbaluwa eyamwanjula mu masomero mwe yakolera okunoonyereza kwe .Omunoonyereza yategeka bulungi olukalala lw'ebibuuzo eby'okujjuzibwamu ssako n'ebyo eby'okukamwa , bye yawa abayizi n'abasomesa .Era olwamukiriza okukola okunoonyereza kuno mumasomero gaabwe

Omunoonyereza yasooka kuwa basomesa na bayizi bibuuzo bya kujjuzaamu n'oluvanyuma n'ababuuza eby'okumumwa kino kyakolebwa mu masomero ataano(5) n'oluvanyuma omunoonyereza yakennenula bye yafuna era n'abiyungulula.

EKIFO N'EBIBINJA BY'ABANTU.

Okunoonyereza kuno kwakolebwa mu masomero amalondemu agaali gasomesa olulimi oluganda mu kibuga kye Gayaza mu disitulikiti ye wakiso , olw'ensonga nti amasomero gaali mangi mu kibuga ky'eGayaza. Era omunoonyereza yali tasobola gonna kugatuukamu olw'ensonga y'obudde.Gayaza okubeera okumpi ne waabwe teyamala budde bungi na nsimbi ng'atambula.

Mukunoonyereza kuno essira n'amakanda gaali kubasomesa ba ssekendule abaali basomesa olulimi oluganda wamu n'abayizi abaali basoma olulimi oluganda . Kino kyali kityo kubanga abasomesa n'abayizi be baali basomesa olulimi oluganda era baali bamanyi bingi ebirufaako ate abayizi be baali basoma olulimi oluganda.

Omuwendo gw'abantu abeenyigira mu kunoonyereza bona awamu baali nsanvu(70) , abasomesa 15,abayizi abawala 30, n'abalenzi 25,era abayizi baalondebwa okuva mu S.3 ne S.6 ng'omunoonyereza okwewala kye kuubiramu kunoonyereza.

EBYEYAMBISIBWA MU KUNOONYEREZA.

Omunoonyereza yeyambisa ebibuuzo ebirambike(eby'okumumwa)n'eby'okujjuzaamu era byonna byeyambisibwa ku

kizibu ekyali kinoonyerezebwako n,empenda ezaali ziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita obulungi ebyobuwangwa.

Ebizibu by'okujjuzamu byalekebwa amabanga abasomesa n'abayizi mwe baawandiikira ensonga zaabwe ku kizibu ekyali kinoonyerezebwako era omunoonyerezayabiwa abasomesa b'olulimi oluganda wamu n'abayizi abaali basoma olulimi oluganda.

OBUTUUKIRIVU N'OBWESIGIKE BW'EBINTU EBYEYAMBISIBWA MU KUNOONYEREZA.

Okuzuula nti ebyeyambisibwa bituukiridde, bisaanidde era byesigika , okutuukiriza ebigendererwa n'ebiruubirirwa by'okunoonyereza yasooka kuwa omusomesa akulira olulimi oluganda mu masomero ge Gayaza ebibuuzo eby'okujjuzamu , n'abisomamu era n'amugolola ensobi zeyali akoze.Ate oluvannyuma yabigezesa mu bayizi bane ab'ekampala International Universty abasoma olulimi oluganda n'alabira ddala nti byali tebibuzaabuza era nga bisobola okutuukiriza ebigendererwa by'okunoonyereza.

EBIZIBU OMUNOONYEREZA BYE YASANGA.

Omunoonyereza abasomesa baali bamuwadde obudde butono naye yakozesa obuwombeefu n'obugumikiriza obwekitalo ne basobola okumuwa obudde obumala okumaliriza okunoonyereza kwe.

Omunoonyereza ensimbi zaali ziganye okumala so nga yalina n'okusasula ebisale bya ssetendekero, n'okugula obutabo obwalina okukozesebwa mu kunoonyereza , Naye omunoonyereza yakkekereza ensimbi gamba nga okutambuuza ebigere ku ngendo enyimpi.

OKWEKENNENYA EBYAZUULIBWA.

Oluvannyuma lw'okunoonyereza , omunoonyereza yayungulula ebyazuulibwa nga yeyambisa enkola eya Nnakannyonnyozi neNnakabazi omwali n'okulaga emiwendo ku buli kikumi. Yalaga n'okukkirizigannya oba okugaana akwaliwo.

ESSUULA EYOOKUNA.

OKWANJULA, OKWEKENNEENYA ,N'OKUTAPUTA EBYAZUULIBWA .

Ennyanjula

Essuula eno erambika ebyava mu kunoonyereza okwagenderera okwekenenya ensonga eziviirako abayizi b'olulimi oluganda okulemwa okuyitta ebyobuwangwa .Mukunoonyereza kuno mwalimu enziramu za mirundi ebiri ;eyabasomesa b'oluganda n'eyabayizi b'olulimi oluganda . Ebyazuulibwa okuva mu basomesa b'olulimi oluganda bye byasooka okwanjula, eby'abayizi b'olulimi oluganda ne bisembayo .Okwanjula , okwekennenya n'okutaputa ebyazuulibwa mu suula eno kwesigamiziddwa buterevu ku bigenderaerwa by'okunoonyereza era ng'omunoonyereza yeyambisa enkola eya nnakannyonnyozi ne nnakabazi omwali n'okulaga emiwendo kubulikikumi.

EBYAVA MU BASOMESA B'OLULIMI OLUGANDA

Ekibuuzo ekisooka
Ekitundu a)Obuyigirize bwange bwa?
Ekipande 1: Obuyigirize bwa basomesa.

Ekyadibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi(%)
Ddipulooma	02	25
Ddiguli emu mu basomesa	08	75
Ddiguli bbiri mu basomesa	00	00
Masitasi	00	00
Omugatte	10	100

Okunoonyereza kwazuula nti, abasomesa ebitundu 25% baagamba nti, baalina Ddipulooma mu basomesa ate abalala ebitundu 75% baagamba nti baalina Ddiguli emu mu basomesa .Noolwekyo, abasomesa bonna baalina obuyigirize obumala okusomesa abayizi b'olulimi oluganda.

Ekitundu b)Mazze wakati w'emyaka .....nga nsomesa.
Ekipande 2:Emyaka omusomesa gy'amaze ng'asomesa.

Ekyadibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi(%)
1-3	01	10
4-7	05	50
8-9	02	20
10+	02	20
Omugatte	10	100

Okunoonyerezakwazuula , abasomesa ebitundu 10% baagamba nti,baali baakamala omwaka gumu ku esattu mu busomesa, abasomesa ebitundu 50% baagamba nti, baali baakamala emyaka ene ku musanvu mu busomesa , abasomesa ebitundu 20% baagamba nti baali bakamala emyaka munnaana ku mwenda mu busomesa ate abalala ebitundu 20% baagamba nti, baali baakamala emyaka kkumi n;okuddawaggulu mu busomesa.

Ekibuuzo ekyookubiri.
Ekitundu a) Olowoozo waliwo enkola/obukodyo abasomesa bwe bakozesa okusomesa abayizi ebyobuwangwa?
Ekipande 3: Waliwo obukodyo/ enkola abasomesa bwe beeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa.

Ekyaddibwamu	0muwendo	Kubuli kikumi(100%)
Yee	10	100
Nedda	00	00
Omugatte	10	100

Ekipande kiraga nti, abasomesa ebitundu 100% baagamba nti, waliwo obukodyo / enkola zebeeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa.

Ekitundu b) Bwe kiba yee, bulage ?
Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okumannya n'okuzuula obukodyo /enkola abasomesa ze beeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa. Abasomesa bonna ebitundu 100% baawa enkola zino wamanga;

- Okukubaganya ebilowoozo.
- Okubuuza ebibuuzo.
- Okwogera nga mpandiika ku lubaawo.
- Okubalaga engeri gye basomamu n'okuddamu ebibuuzo by'ebyobuwangwa.
- Okubanyumiza emboozi ezikwata ku byobuwangwa.

Ekitundu c) Bwe kiba nedda, wa ensonga lwaki?
Wadde ng'omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okuzuula n'okumannya lwaki tewali nkola basomesa ze bakozesa nga basomesa abayizi ebyobuwangwa , tewali musomesa yakiddamu anti bonna bakiwakannya.

Ekibuuzo ekyookusatu
Ekitundu a) Olowooza waliwo ebintu ebiremesa abayizi okuyita ebyobuwangwa?
Ekipande 4: Ebireetera abayizi okugwa ebyobuwangwa.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi(%)
Yee	09	90
Nedda	01	10
Omugatte	10	100

Okunoonyereza kwazuula nti abasomesa ebitundu 90% baagamba nti, waliwo ebintu ebireetera abayizi b'olulimi oluganda okugwa ebyobuwangwa ate abalala 10% baagamba nti, tewali bintu bireetera abayizi b'olulimi oluganda kugwa ebyobuwangwa.

Ekitundu b) Bwe kiba yee, wa ebintu ebyo?
Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okumanya n;okuzuula ensonga lwaki abayizi bagwa ebyobuwangwa. Abasomesa abaagamba nti, waliwo ebintu ebireetera abayizi okugwa ebyobuwangwa baali ebitundu 90% era bwe baasabibwa okuwa ebintu ebyo, baawa ebintu bino wamanga;

- Abayizi bangi bagenda okukola ebibuuzo nga tebanasomesebwa byabuwangwa.
- Abasonesa n'abayizi b'amasomo amalala bajerega abayizi abasoma oluganda babamalamu amannyi agalusoma.
- Abayizi bangi tebafaayo nga basoma olulimi oluganda anti balowooza nti, lwangu lwakuyita.
- Abayizi bangi tebasobola kwawula nsonga.
- Abayizi abamu baleeta obusonga butono nnyo songa ekibuuzo kyetaaga ensonga nyingi.
- Abazadde tebagala baana baabwe basome olulimi oluganda.
- Abayizi tebamannyi mpandiika ya lulimi luganda ntongole.
- Abayizi tebawandiika nnamba za bibuuzo bye bazeemu .

- Ebula ly'ebitabo bw'ebyobuwangwa.
- Abasomesa ennaku zino basomesa tebeefirayo.

Ekitunduc) Bwekiba nedda, wa ensonga lwaki?
Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okuzuula n'okumannya ensonga lwaki tewali nsonga ziviirako abayizi okugwa ebyobuwangwa .Abasomesa abaagamba nti, tewali bizibu bireteera abayizi okugwa ebyo buwangwa baali bitundu 10%era bwe baasabibwa okuwa ensonga lwaki? Baawa ensonga zino wammanga;

- Abasomesa abakugu mu lulimi oluganda kati bangi nnyo.
- Emikutu gy'empulizigannya kati gyagasiza abayizi okusoma olulimi oluganda.
- Ebitabo by'ebyobuwangwa kati bingi nnyo.
- Abasomesa basinga kukozesa nkola za kusomesa zesigama ku bayizi.
- Abasomesa balina obudde kati okusoma ebyobuwangwa.
- Abazadde abasinga bafubye okuyigiriza abaana baabwe ebyobuwangwa.

Ekibuuzo ekyookunna
Ekitundu a) Olowooza waliwo empenda ezikyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita obulungi ebyobuwangwa?
Ekipande 5; Empanda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita obulungi eby'obuwangwa.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi(100%)
Yee	10	100
Nedda	00	00
Omugatte	10	100

Okunoonyereza kwazuula nti, abasomesa ebitundu 100% bnaagamba nti , waliwo empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi abasoma olulimi oluganda okusobola okuyita obulungi ebyobuwangwa.

Ekitundu b) Bwe kiba yee, wa empenda ezo?
Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okumannya n'okuzuula empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita eyobuwangwa.Abasomesa bonna ebitundu 100% baawa empenda zino wamanga;

- Okukubiriza abayizi okusoma nga tebayoosa.

- Abasomesa balinaokutegeka abayizi nga bagenda okukola ebibuuzo.

- Abazadde bakubirize abaana baabwe okusoma obutabo bw'ebyobuwangwa.
- Abasomesa betaagaokusomesaebyobuwangwa mu bude.

- Abasomesa balina okusomesa abayizi b'olulimi oluganda empandiika entongole.
- Abayizi balina okusoma kukigenda okusomesebwako.

- Abazadde balina okugulira abaana baabwe obutabo bw'ebyobuwangwa.
- Gavumenti yeetaaga okuddukirira amasomero agasomesa oluganda n'ebintu ebikozesebwa mukusomesa olulimi oluganda.

Ekitundu c) Bwe kiba nedda, wa ensonga lwaki.
Wadde ng'omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okumanya n'okuzuula ensonga lwaki tewali mpenda ziyinza kutemwa okuyamba abayizi okuyita ebyobuwangwa , tewali musomesa yakiddamu kubanga abasomesa bonna ebitundu 100% baagamba nti, waliwo empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita ebyobuwangwa.

EBYAVA MU BAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA.

Ekibuuzo ekisooka
Emyaka gyo?
Ekipande 6: Emyaka gy'abayizi.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Ku buli kikumi(100%)
11-15	35	88
16-20	05	12
Omugatte	40	100

Ekipande waggulu kiraga nti, abayizi ebitundu 88% baagamba nti, baali wakati w'emyaka 11-15 ate abalala ebitundu 12% baagamba nti , baali wakati w'emyaka 16-20.Noolwekyo abayizi baali basobola okuddamu ebibuuzo by'ebyo buwangwa okusinziira ku myaka gyabwe.

Ekibuuzo ekyookubiri

Ekitundu a) Mu lulimi oluganda babasomesa ebyobuwangwa.
Ekipande 7: Abayizi abasomesebwa ebyobuwangwa.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi (100%)
Yee	40	100
Nedda	00	00
Omugatte	40	100

Ekipande kiraga nti, abayizi bonna ebitundu 100% baagamba nti baali basomesebwa ebyobuwangwa mu lulimi oluganda. Noolwekyo abayizi bonna baali balina kye bamanyi ku byobuwangwa.

Ekibuuzo ekyookuna
Ekitundu a)Waliwo enkola abasomesa ze bakozesa okusomesa ebyobuwangwa?
Ekipande 8: Waliwo enkola abasomesa ze bakozesa okusomesa abayizi ebyobuwangwa.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi(100%)
Yee	40	100
Nedda	00	00
Omugatte	40	100

Okunoonyereza kwazuula nti, abayizi bonna ebitundu 100% baagamba nti waliwo enkola abasomesa ze bakozesa okusomesa abayizi ebyobuwangwa.

Ekitundu b) Bwe kiba yee, laga engeri abasomesa gye bakusomeesamu ebyobuwangwa.
Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okumannya n;okuzuula engeri abasomesa gye basomesamuabayizi ebyobuwangwa , Abayizi baalaga engeri zino wamanga:

- Babuuza ebibuuzo ne nziramu.
- Omusomesa atunyumiza emboozi ezikwata ku bye tusoma.
- Omusomesa atuwandiikiara kulubaawo ebigambo bye tuba tetumannyi kuwandiika.

- Omusomesa atusaba okukubaganya ebilowoozo ku bibuuzo nga bikwata ku byobuwangwa.

Ekibuuzo ekyookutano
Ekitundu a) Olowooza waliwo ebintu ebiretera abayizi okugwa ebyobuwangwa?
Ekipande 9) Waliwo ebintu ebiviirako abayizi okugwa ebyobuwangwa.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Kubuli kikumi(100%)
Yee	40	100
Nedda	00	00
Omugatte	40	100

Ekipande kiraga nti , abayizi ebitundu 100% baagamba nti waliwo ebintu ebiretera abayizi okugwa ebyobuwangwa.

Ekitundu b) Bwe kiba yee, wa ebintu ebyo.
Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okuzuula n'okumanya ebintu ebiviirako abayizi okugwa ebyobuwangwa. Abayizi bonna ebitundu 100% baawa ebintu bino wamanga ;

- Tugenda okukola ebibuuzo nga tetunasomesebwa byabuwangwa
- Abazadde tebakya tusomesa byabuwangwa ngha eda.
- Gavumenti kati efa ku masomo tga ssayansi gokka.
- Abakulu b'amasomero obutasasula basomesa bulungi.
- Abasomesa b'ennaku zino basomesa tebefirayo.
- Tetusobola kwawula nsonga.
- Enkolagana embi wakati w'abasomesa n'abayizi .
- Amasomero okuwa abayizi abakozesa olulimi oluganda ebibonerezo.

Ekitundu c) Bwe kiba nedda , wa ensonga lwaki?
Wadde ng'omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okuzuula n'okumannya ensonga lwaki tewali bizibu biretera bayizi kugwa byabuwangwa . Tewali muyizi yakiddamu kubanga abayizi bonna ebitundu 100% baagamba nti waliwo ebizibu ebireetera abayizi okugwa ebyobuwangwa

Ekibuuzo ekoomukaga

Ekitundu a) Olowooza waliwo empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita ebyobuwangwa obulungi.

Ekipande 10: Empenda eziyinza okutemwa okuytamba abayizi abasoma oluganda okuyita obulungi ebyobuwangwa.

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Kubulikikumi(100%)
Yee	40	100
Nedda	00	00
Omugatte	40	100

Okunoonyereza kwazuula nti, abayizi bonna ebitundu 100% baagamba nti waliwo empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita bulungi ebyobuwangwa.

Ekitundu b) Bwe kiba yee, wa empenda ezo

Omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okumanya n'okuzuula empenda eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita bulungi ebyobuwangwa . Abayizi bonna ebitundu 100% baawa empenda zino wamanga;

- Abasomesa balina okuyamba abyizi okuyiga empandiika y'olulimi oluganda entongole.
- Abakulu b'amasomero balina okusasula abasomesa mubudde.
- Abasomesa balina okuyigiriza abayizi okw2awula ensonga.
- Enkolagana wakati w'abayizi n'abasomesa elina okukolebwako.
- Abazadde balina okugulira abaana baabwe obutabo bw'ebyobuwangwa.
- Gavumenti yetaaga okuddukirira amasoro agasomesa olulimi oluganda n'ebintu ebikozesebwa mu kusomesa olulimi oluganda.
- Abasomesa balina okutegeka abayizi nga bagenda okukola ebibuzo.
- Abayizi balina okusoma ennyo ebibaweleddwa abasomesa okusobola okuwa ensonga eziwela.

Ekitundu c)Bwe kiba nedda , wa ensonga lwaki.

Wadde ng'omunoonyereza yabuuza ekibuuzo kino ng'ayagala okuzuula ensonga lwaki tewali mpenda ziyinza kutemwa kuyamba bayizi okuyita ebyobuwangwa , tewali muyizi yakiddamu kubanga abayizi bonna ebitundu 100% baakiwakannya.

ESSUULA EYOOKUTAANO

OKUKUBAGANYA EBILOWOOZO , OKUWEERA N'OKUFUNDIKIRA.

ENNYANJULA.

Okunoonyereza kuno kwagenderera kuzuula nsonga lwaki abayizi b'olulimi oluganda bagwa ebyobuwangwa. Noolwekyo, okukubaganya ebilowoozo ,okuweera n'okufundikira byonna byesigamiziddwa ku kigendererwa ky'okunoonyereza kino ekikulu.

OKUKUBAGANYA EBILOWOOZO

Okukubaganya ebilowoozo kwesigamiziddwa ku bibuuzo by'obuwangwa bino wamanga:

1. Nkola ki abasomesa zebeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa?
2. Lwaki abayizi bagwa ebyobuwangwa?
3. Mpenda ki aziyinza okutemwa okuyamba abayizi okusobola okuyita obulungi eby;obuwangwa?

Noolwekyo,mu ssuula eno , omunoonyereza ya kubaganya ebilowoozo nga yesigama ku bibuuzo ebyo waggulu ,ebiyungulule wamu n'ebyo ebyazuulibwa nga bwe biragiddwa mu ssuula eyookuna.

OBUKODYO ABASOMESA BWE BEEYAMBISA OKUSOMESA ABAYIZI EBYOBUWANGWA.

Kyazuulibwa okuva mu kunoonyereza nti, abayizi n'abasomesa baagamba nti obukodyo buno wammanga bweyambisibwa okusomesa abayizi ebyobuwangwa;

Kyazuulibwa nti, abasomesa bakozesa enkola ey'okukubaganya ebilowoozo nga basomesa abayizi ebyobuwangwa. Enkola eno basinga kugikozesa nga baleeta ekibuuzo ekyetaaga okuleeta ensonga ezikwata kubyobuwangwa ebyenjawulo. Akakodyo akokubaganya ebilowoozo kayamba abayizi okuyiga okulowooza. Ensonga eno Petty(1993) ne Museede (1996) bagyogerako nti abayizi baagala nnyo okuwulira bannaabwe bye boogera era basobola okukkiriziganya oba obutakiriziganya na bannaabwe.

Abasomesa bakozesa akakodyo k'okulaga abayizi engeri gye baddamu ebibuuzo by'ebyobuwangwa ko n'okuwandikamu ensonga ku lupapula. Mu nkola eno, omusomesa adda mu maaso g'abayiziz nabalaga engeri gye balina okuddamu ebibuuzo ekiyamba abayizi okuddamu bulungi ebibuuzo ne kiviirako okuyita ebibuuzo.

Abasomesa n;abayizi baagamba nti, abasomesa bakozesa akakodyo k'okubuuza ebibuuzo nga baddamu. Enkola eno,abasomesa basinga gikozesa oluvannyuma lw'essomo lye byobuwangwa okusobola okutegeera abayizi abategedde kyaba asomeseza oba yasomesa.

Abasomesa baagamba nti, bakozesa nnyo enkola y'okutobekanga basomesa ebyobuwangwa. Mu nkola eno , abasomesa basomesa abayizi okuwandiika olulimi oluganda obulungi ate era mu butuufu,okweyambisa ebintu ebibeetoolodde okusobola okugya mu nsi,okusoma bwino, okuyiiya n'ebilala.Abasomesa baakakasa nti, ebayamba okwanguyirwa okusomesa ate ne baleka ng'abayizi bategedde bye basomesezza.Ensonga eno Masembe (2007) agyogerako nti , kisaanidde buli musomesa wa luganda akozese enkola y'okutobeka kubanga eyamba okutonda ekitonde ekigya.

Abasomesa bakozesa akakodyo k'okwogera nga bwe bawandiika ku lubaawo. Wano omusomesa adda mu maaso g'abayizi n'atandiika okuttaanya ensonga n'ebilowoozo ebiri mu by'obuwangwa. Bino byonna omusomesa abyogera ng'eno bwawandiika ku lubaawo ensonga enkulu z'ayagala abayizi bakwate era bayige. Kino Petty (1993) akyogerako nti, enkola y,okwogera wamu n'okuwandiika kulubaawo eyamba abayizi okuyiga empandiika y'e bigambo ebitali bimu.

Noolwekyo, ekibuuzo ekyali kigamba nti, obukodyo / enkola ki abasomesa ze beeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa ? Kyaddibwamu n'ensonga ezo waggulu.

EBIZIBU EBIREETERA ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA OKUGWA EBIBUUZO EBY'OBUWANGWA.

Abayizi bangi bagwa ebibuuzo by'ebyobuwangwa era abasomesa bonna ebitundu 100% n'abayizi bonna ebitundu 100% baagamba nti ebintu bingi ebireetera abayizi okugwa ebyobuwangwa era baawa bino wamanga;

Ebibuuzo by'ebyobuawangwa abayizi babiddamu bubi nnyo era nga kino kiva nsonga nti, abayizi mu kiseera we bakolera ebibuuzo , abasomesa babeera tebanasomesa bayizi byabuwangwa.Ensonga eno ntuufu kubanga LTA (2003) egamba nti, abasomesa ba litulica era abayizi bagenda okukola ebibuuzo nga tebamanyi bukodyo bwakuddamu bibuuzo ebikwata ku byobuwangwa.

Mu kunoonyereza, abasomeswa baakakasa nti, abayizi abamu ekibasuula kuleeta busonga butono ddala songa ebibuuzo ebimu bibeera byetaaga omuyizi okuleeta ensonga eziwerako okusobola okubifunako obubonero obwegasa. Ate era baagamba nti, abayizi abamu beesiba ku bibuuzo ebitalina nsonga oba ebirina ensonga entono ezitali nnyangu ne balekawo ebibuuzo ebirina ensonga eziwerako era ennyangu okunnyonnyola.Kino LTA (2008) ekikakasa bw'egamba nti, abayizi okuleeta obusonga obutono kye kibasuula ebyobuwangwa

Abasomesa bonna era baakakasa nti,abayizi bangi tebasobola kwawula nsonga era bangi bagatta ensonga kino ne kibaviirako okufuna obubonero obutono ku bibuuzo bye baddamu. Abayizi bangi tebawa byakulabirako bimala okusobola okukaatiriza ensonga gye babeera boogerako. Biino byonna biretera abayizi okugwa ebyobuwangwa.

Abakulu b'amasomero tebategekera bayizi mpaka za lulimi luganda. Kino kireetera abayizi obutaasa mutima ku lulimi oluganda ko n'okujeregebwa bannaabwe abatasoma lulimi luganda era kin one kimalamu abayizi omutima ogusoma ebyobuwangwa . Ensonga eno Bizimana (1993) agyogerako nti abakulu b'amasomerot tebafaayo kutegeka mpaka z'emizannyo kubanga mu kakyo kano abayizi bettanira masomo ga ssaayansi.

Ekyo ng'okitadde ku baali abakulu b'amasomero era tebafudde ku nsomesa na nsoma y'olulimi oluganda naddala ensomesa ya litulica. Abakulu b'amasomero tebagula butabo bwa lulimi luganda naddala obwa litulica era kino kiremesa abasomesa okukozesa enkola z'okusomesa ezeesigama ku bayizi .Ekizibu kino Legere(1996) akyogerako nti, kiremesa abayizi okwesomera obutabo obukwata kubyobuwangwa n'ekiba viiramu okugwa ebibuuzo.

Obutafananako ng'edda, abazadde we batuulanga ku byoto nebagerera , okucoca abaana baabwe . Mu nnaku zino byonna tebikyakolebwa era abayizi okuva ewaka ewatali kusomesebwa byabuwangwa.

Enkolagana etali nungamu wakati waabwe n'abayizi nayo eviirako abayizi okugwa amasomo ag'enjawulo nga n'ebyobuwangwa mw'obitadde. Mu kukubaganya ebilowoozo n'abayizi,abayizi abawala bonna bakakasa nti , bwe bagenda okubuuza abasomesa badda mu kubasonseka obugambo obunnyunnyuntivu ate bo abalenzi bawalanibwa abasomesa abasajja kubanga balowooza nti, baagala abawala abasomesa bebaagala okuganza. Ekizibu kino kireetera abayizi okutya buli musomesa n'obutagenda ku buuza bibuuzo ku byebatategedde.

Amasomero ennaku zino gaviirako abayizi okusoma obubi olulimi oluganda. Mangi gawa abayizi aboogera olulimi oluganda ebiboonerezo omuli; okukima amazzi, okusima ebiswa , okwasa enku.n'ebirala.Ensonga eno Kirwana(2007) ne Kimala(1995) bagyogerako nti, bino bikyayisa abayizi olulimi oluganda era ne batandika n'okulowwoza nti abalwogera babeera bazzi bamisango. Kino ne kibaviirako okugwa ebyobuwangwa.

Ate bo abzadde bafuuse kizibu eri ensomesa n'ensoma y'olulimi oluganda .Bangi tebaagala baana baabwe kusomesebwa lulimi luganda era tebawa bayizi bintu bikozesebwa mu kusoma oluganda gamba nga obutabo bwe byobuwangwa.Ensonga eno Legere (1996) agyogerako nti , omwana bwasoma olulimi oluganda , abazadde tebamuwagira mu byakusoma . Kino kiviirako abayizi okugwa

Abayizi abasoma olulimi oluganda bangi balowooza nti, olulimi oluganda lwangu lwakuyitta songa lwangu eri oyo afaayo . Endowoozaeno ebaleetera okusoma nga bosayosa wmu n'okubeera mu kibiina naye ng'endowooza zaabwe ziri wala Ekizibu kino kiviirako abayizi bangi okugwa ebyo buwangwa.

Noolwekyo ekibuuzo ekyali kigamba nti, lwaki abayizi bangi bagwa ebyobuwangwa ? Kyaddibwamu n'ensonga ezo wagulu.

EMPENDA EZIYINZA OKUTEMWA OKUMALAWO EBINTU EBIREMESA ABAYIZI OKUYITA OBULUNGI EBYOBUWANGWA.

Kyazuulibwa okuva mukunoonyereza nti, abasomesa bonna ebitundu 100% n'abayizi bonna ebitundu 100% baagamba nti, abayizi abasoma olulimi oluganda basobola bulungi okuyita ebyobuwangwa;

Abasomesa balina okuyamba abayizi okuyiga empandiika y'olulimi oluganda entongole wamu n'okuyiga okuwandiika omukono ogusomeka buli muntui. Ensonga eno LTA(2008) egyogerako nti,kino bwe kikolebwa abayizi babeera bajja kuyita bulungi nnyo olulimi oluganda.

Abasomesa balina okusomesa ebyobuwangwa mu budde, kino kisobozesa abayizi okutuuka mu biseera by'ebigezo by'akamalilizo nga bamanyi byonna byebalina okusoma. Ate era abasomesa ba litulica balina okusomesa abayizi obukodyo bw'okuddamu ebibuuzo okusobozesa abayizi okuddamu bulungi ebibuuzo.Ensonga eno LTA(2008) egyogerako nti , okusomesa abayizi bye balina okusoma mu budde kibayambe n'okuddamu ebibuuzo ebibabuuzibwa nga biva mu byebasomye.

Omusomesa bw'asomesa abayizi ebyobuwangwa ne babigwa, kirungi omusomesa ono agende y'ebuuze ku basomesa banne abayisa obulungi abayizi. Kino bwe kikolebwa , abasomesa bonna babeera basobola bulungi okusomesa ebyobuwangwa, abayizi bonna n'ebayita . Ensonga eno LTA(2008) egyogerako nti, omusomesa bwe y'ebuuza kubanne afuna obukugu n'amagezi g'okusomesa g'abadde tamanyi nasobola okugakozesa abayizi be ne bayita by'abasomesa.

Abasomesa b'ebyobuwangwa by'olulimi oluganda bonna balina okutegeka abayizi abagenda okukola ebibuuzo. Omuyizi alina okutegekebwa ng'omusomesa amulaga bino; enziramu y'ebibuuzo , ensonga eziviirako abayizi okugwa ebibuuzo, ennonda y'ebibuuzo ebyokuddamu, empandiika entongole n'ebirala. Ensonga eno Baker (2002) agyogerako nti, omusomesa bw'anayisa omuyizi enfaanana y'ebibuuzo , enziramu y,ebibuuzo, obudde ekibuuzo bwe kitwala n'ebilala, omuyizi tayinza kugwa kibuuzo.

Abazadde betaaga bagulire abayizi ebitabo by'oluganda naddala ebyobuwangwa, abayizi basobole okubyeyambisa mu kusoma ebintu ebyenjawulo ebikwata ku lulimi oluganda. Omuyizi bw'abeera n'akatabo k'ebyobuwangwa , abeera asobola okusoma ebyobuwangwa ebirimu mu budde bwe obw'eddembe . Ssekamwa (1997) akyogerako nti, abazadde bwe bagula ebitabo ne babissa awaka, abayizi babeera basobola okusomaobulungi oluganda.

Abasomesa bulijjo betaaga okusomesanga ebyobuwangwa mu budde era essomo omuli, ebyobuwangwa kyetaaga baliwe obudde obumala , baleme kusomesa byabuwangwa nga bapapa. Ensonga eno LTA(2005) egyogerako nti, momusomesa bw;asomesa ebyobuwangwa nga tapapa,abayizi bakwata by'asomesa era bayita bulungi nnyo ebyobuwangwa.'

Noolwekyo , ekibuuzo ekyali kigamba nti, mpenda ki eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okusobola okuyita obulungi ebyobuwangwa? Kyaddibwamu n'ensonga ezo waggulu.

OKUWEERA.

Okusinziira ku byazuulibwa mu kunoonyereza kuno kyazuulibwa nti, abasomesa balina enkola nnyingi ze beeyambisa okusomesa abayizi ebyobuwangwa omuli; okubuuza abayizi ebibuuzo nga baddanu, okusomera abayizi obutabo obwebyobuwangwa, okusaba abayizi okusomera banne ebyobuwangwa ebyenjawulo, okwogera nga bawandiika ku lubaawo, okukubaganya ebilowoozo , okunyumiza abayizi emboozi ezikwata ku byobuwangwa, okutobeka n'endala.

Abayizi bangi bagwa ebyobuwangwa era nga kino kiva ku nsonga eziwerako muli; abayizi okugenda okukola ebibuuzo nga tebanasomesebwa byabuwangwa , okuleeta obusonga butono nnyo songa ebibuuzo byetaaga nsonga nnyinyi, abayizi obutasobola kwawula nsonga , abasomesa obutaagala ssomo ly'ebyobuwangwa , abakulu b'amasomero obutategekera bayizi mpaka z'ebyobuwangwa, abasomesa okusomesa nga tebeefirayo, abakuli b'amasomero obutasasula basomesa n'obutafa kun soma na nsomesa y;olulimi oluganda, Gavumenti okufa ku masomo ga ssayansi gokka n'esuulira ennimi ennansi, abazadde obutayigiriza baana baabwe byabuwangwa , abasomesa okukozesa enkola oba obukodyo obwokusomesa obwesigama ku bo bokka , anasomero obutabeera na bifo bayizi w'ebayinza kusomera butabo bw'ebyobuwangwa , amasomero okuwa abayizi aboogera olulimi oluganda ebiboneerezo ebikakali, abazadde obutaagala baana baabwebasome olulimi oluganda n'ebirala.

Noolwekyo, okunoonyereza kwazuula empenda zino eziyinza okutemwa okumalawo ebintu ebireetera abayizi okugwa ebyobyuwangwa omuli;abasomesa okuyamba abayizi okuyiga empandiika entongole , okusomesa ebyobuwangwa mu budde , okwebuuza ku baanabwe abakugu mukusomesa ebyobuwangwa okusomesa abyizi obukodyo bw'okuddamu ebibuuzo, okutegeka abayizi abagenda okukola ebibuuzo , okukozesa akakodyo k'okuwa abayizi omukisa okwevumbulira, okukozesa enkola y,okutobeka nga basomesa ebyobuwangwa , Gavumenti okudduukirira amasomero agasomesa olulimi oluganda n'ebintu eby'okukozesa, amasomero okutegeka empaka z'ebyobuwangwa abayizi okuteekayo omwoyo nga basomesebwa , abasomesa okusomesa abayizi ebyobuwangwa mu budde n;endala.

OKUFUNDIKIRA.

Abayizi okugwa ebyobuwangwa tekiva ku bugayaavu bw'abayizi n'abasomesa bokka naye kiva ne kubakulu b'amasomero n'abazadde obutagulira bayizi bitabo bya byabuwangwa awamu n'okubannyonnyola ebyobuwangwa ebimu nga abedda bwebakola nga kubyoto . Kyazuulibwa mu kunoonyereza nti, abantu bangi abalina okubaako ne kye bakola okusobozesa abayizi okuyita ebyobuwangwan'obutasanga buzibu nga basomesebwa ebyobuwangwa.Mu Bantu bano mulimu , abakungu mu Gavumenti ya Uganda ne y'emengo abakola ku byenjigiriza , abakulu b'amasomero, abazadde , abasomesa n'abayizi .Naye ng'abayizi n'abasomesa be balina okufulubana ennyo okulaba ng'ebintu ebireetera abayizi okugwa ebyobuwangwa kugwawo.

AKALOWOOZO ERI ABANOONYEREZA ABAGYA.

Tulaba nti, okunoonyereza kwali mukitundu kitono nnyo era mu masomero matono songa abayizi bangi basomesebwa mu masomero ag'enjawulo. Noolwekyo, kyetaagisa wakolebweyo okunoonyereza okufaanana nga kuno mu bitundu bya Buganda ebirala.

Abanonyereza abajja era banonyeereza kungeri kkompyuta gy'eyinza okweyambisibwa okusomesa litulica

Okunoonyereza amakanda kwagasibwa ku nsonga eziviirako abayizi okulemwa okuyita ebyobuwangwa. Noolwekyo , wetaaga okunoonyereza kungeri y'okutendekamu abasomesa mu nsomesa y'ebyobuwangwa.

Singa ebitundu ebirala binoonyerezebwamu ate n'ebintu ebilala ebiyamba mu kusomesa ebyobuwangwa kino kijja kusobozesa okwongera okulongoosa kun soma n'ensomesa y'ebyobuwangwa.

EBITABO EBIJULIDDWA.

Kirwana (2007) Ebyobuwangwa y'emunyeenye y'eggwanga. Kampala; Mariah printers and stationers

Nsimbi (1955) Olulimi oluganda. Kampala; the Eagle press

Austin Bukenya james (1989) An IntergratedCourse of language and Literature. Kampala; The Eagle press

Bizimaana AP (1999) Literature a Language Resourse Implication for Intial Teacher Training and classroom Practices. University of Exter USA (Un published dissertation)

Collie and Slater S (1987) Literature in the Language Classroom. Cambridge University press

Hill Jenifer (1998) Using Literature in Language Teaching . London; Macmillan Publisher

Kirunda O.A.M (1993) The Teaching of Poetry at secondary school in Iganga District. Kampala; Makerere Universty (Un published)

LTA(2005) Olulimi ly'e ggwanga . Kampala; Language Consultancy Bureau

Masagazi ,Kyagaba ne Kitooke (2002) Balya n'ensekeezi. Kampala; Nets African LTD

Namaganda (1996) The impact of school libraries on the students performance in English Language at O'level in selected schools in Iganga district . Kampal ; Un published Report

OBUWAYIIRO.

AKAWAYIIRO AKASOOKA

EKIBUUZO ERI ABASOMESA B'OLULIMI OLUGANDA

Ssebo/nnyabo.

Ebibuuzo bino bigenderera okuzuula ensonga eziviirako abayizi b'olulimi oluganda okugwa ebyobuwangwa .

N'obuwombefu osabibwa okubiddamu awatali kutya kwona.

1a) Obuyigirize bwange

Ddipulooma
Ddiguli bbiri
Ddiguli satu
Okusingawo

b) Maze wakati w'emyaka..... nga nsomesa
1-3
4-7
8-9
10+

2a) Olowooza waliwo enkola/ obukodyo abasomesa bwe bakozesa okusomesa abayizi ebyobuwangwa?

Yee
Nedda

b) Bwe kiba yee, bulage
i.
ii.
iii.

C) Bwe kiba nedda, wa ensonga lwaki?
I.
II.

3) Olowooza waliwo ebintu ebiremesa abayizi okuyita obulungi ebyobuwangwa?
Yee
Nedda

b) Bwe kiba yee, wa ebintu ebyo.

i.
ii.
iii.

c) Bwe kiba nedda , wa ensonga lwaki?
i.
ii.
iii.

4a) Olowooza waliwo empena eziyinza okutemwa okuyamba abayizi okuyita obulungi ebyobuwangwa?

Yee
Nedda

b) Bwe kiba yee, wa empenda ezo
i.
ii.
iii.

c) Bwe kiba nedda, wa ensonga lwaki?
i.
ii.
iii.

WEEBALE NNYO.

AKAWAYIIRO AKOOKUBIRI

EBIBUUZO ERI ABAYIZI

Ebibuuzo bino bitegekeddwa okuzuula ensonga eziviirakoabayizi b'olulimi oluganda okugwa ebyobuwangwa.

N'obuwombefu osabibwa okubiddamu mu bwesimbu.

1) Emyaka gyo?
Wakati wa
11-15
16-20

2) Mu lulimi oluganda babasomesa ebyobuwangwa?
Yee
Nedda

3a) Waliwo enkola abasomesa ze bakozesa okusomesa ebyobuwangwa?
Yee
Nedda

b) Bwe kiba yee, laga engeri abasomesa gye bakusomesamu ebyobuwangwa.
i.
ii.

4a) Olowooza waliwo ebintu ebiremesa abayizi okuyita obulungi ebyobuwangwa?
Yee
Nedda

b) Bwe kiba yee, wa ebintu ebyo
i.
ii.
iii.

c) Bwe kiba nedda , wa ensonga lwaki
i.
ii.
iii.